اَلۡحَمۡدُ لِلّٰہِ رَبِّ الۡعٰلَمِیۡنَ وَ الصَّلٰوۃُ وَ السَّلَامُ عَلٰی سَیِّدِ الۡمُرۡسَلِیۡنَ اَمَّا بَعۡدُ فَاَعُوۡذُ بِاللّٰہِ مِنَ الشَّیۡطٰنِ الرَّجِیۡمِ ؕ بِسۡمِ اللّٰہِ الرَّحۡمٰنِ الرَّحِیۡمِ ؕ

# Entiisa Z'omuntaana Ez'oyo Akola Ebibi Mu Ramadan

**Okuva ewa:** Shaykh-e-Tareeqat, Ameer-e-Ahl-e-Sunnat, Omutaandisi wa Dawat-e-Islami, 'Allamah Maulana Abu Bilal Muhammad Ilyas Attar Qadiri Razavi دَامَتۡ بَرَکَاتُہُمُ الۡعَالِیَہ.

Lumu Ameer-ul-Mu`mineen, Sayyiduna 'Ali کَرَّمَ اللّٰہُ تَعَالٰی وَجۡہَہُ الۡکَرِیۡم yageenda mu limbo za Kufa (kitundu mu Iraq) okulambula amalaalo. Nga alabye entaana empya, ye رَضِیَ اللّٰہُ تَعَالٰی عَنۡہُ yayagala okumanya eby'omunda byayo, n'olwekyo ye رَضِیَ اللّٰہُ تَعَالٰی عَنۡہُ yasaba Allah عَزَّوَجَلَّ mu bwetowaze, 'Ya Allah عَزَّوَجَلَّ ntegeeza embeera y'omufu azikiddwa mu ntana eno.' Okusabakwe kwayanukulirwawo. Mangu ddala, envumbo wakati we n'omufu zajibwawo. Kyeyalaba kyali kyantiisa; omufu yali ayokyebwa mu muliro era nga akaabira Sayyiduna 'Ali کَرَّمَ اللّٰہُ تَعَالٰی وَجۡہَہُ الۡکَرِیۡم amuyambe:

يَاعَلِيُّ! اَنَا غَرِيْقٌ فِى النَّارِ وَحَرِيْقٌ فِى النَّارِ

*Ya 'Ali (کَرَّمَ اللّٰہُ تَعَالٰی وَجۡہَہُ الۡکَرِیۡم)! Nzibbinkidde mu muliro era ndi mukwokyebwa mu muliro.*

Entiisa y'entaana n'okukaaba kw'omufu ono byanakuwaza Sayyiduna 'Ali کَرَّمَ اللّٰہُ تَعَالٰی وَجۡہَہُ الۡکَرِیۡم. Ye رَضِیَ اللّٰہُ تَعَالٰی عَنۡہُ yasitula emikono gye mu maaso g'Omusaasizi Allah عَزَّوَجَلَّ natandika okusaba n'obwetowaze obwanamaddala omufu asonyiyibwe. Eddoboozi okuva mu Ghayb lyagamba, 'Ya 'Ali (کَرَّمَ اللّٰہُ تَعَالٰی وَجۡہَہُ الۡکَرِیۡم)! Tomusabira kubanga yali anyoma Ramadan newankubadde yali asiiba, teyeewala kukola bibi nemu Ramadan, yali asiiba emisana naye nga akola ebibi mu kiro.' Nga awulidde eddoboozi lino, Sayyiduna 'Ali کَرَّمَ اللّٰہُ تَعَالٰی وَجۡہَہُ الۡکَرِیۡم yafuuka munakuwavu nnyo;ye رَضِیَ اللّٰہُ تَعَالٰی عَنۡہُ yavunnama n'akaaba. (N'amaziga mu maasoge) yagamba, 'Ya Allah عَزَّوَجَلَّ! Nkwegayiridde kkiriza okusaba kwange, omusajja ono ankaabidde mmuyaambe era nga alina esuubi lingi, Ayi Katonda عَزَّوَجَلَّ tonswaaza mu maasoge, musaasire era sonyiwa ono omusajja atalina buyambi.' Sayyiduna 'Ali کَرَّمَ اللّٰہُ تَعَالٰی وَجۡہَہُ الۡکَرِیۡم yeyongera okusaba mu maaso ga Allah عَزَّوَجَلَّ. Ya wulira eddoboozi nga ligamba, 'Ya 'Ali (کَرَّمَ اللّٰہُ تَعَالٰی وَجۡہَہُ الۡکَرِیۡم)! Tumusonyiye kulw'okunakuwala kw'omutima gwo.' Omusajja yawonyezebwa ebibonerezo *(Anees-ul-Wa'izeen, pp. 25)*

*Kyun na Mushkil-Kusha kahoon tum ko* *Tum nay bigri mayri banayi hay*

Abo abantu abasiiba mu mwezi ogw'emikisa ogwa Ramadan naye nebataleka kukola bibi nga: Okuzannya matatu, Ludo, geemu z'okusimu, iPad, hopa vidiyo geemu, okulaba filimu n'emizannyo, okuwuliriza omuziki, okusala ekilevu oba okukikendeeza okukira

www.dawateislami.net

olufunya lw'ekikoonde, okuleka Salah ya Jammah awatali kukkirizibwa kwa Shar'iyah n'okulekera ddala e Salah مَعَاذَ اللّٰه عَزَّوَجَلَّ, okuliimba, okugeya, olugambo, okulowoolereza, okusala enkwe, okuvuma, okunyiiza abasiraamu awatali kukkiribwa kwa Shar'iyah, okusabiririza nga tokkirizidwa mu Shar'i, okujemera abazadde, okwetabira mu nyongeza n'enguzi, n'okubba abalala mu bizineesi n'ebiralalala. Abo abateewala ebibi ebyo waggulu nemumwezi omutukuvu ogwa Ramadan, ekyafaayo ekiweereddwa waggulu kijudde okubuulirira n'okulabula eri bbo. Abao abantu abataziyiza kukola bibi mu mwezi gwa Ramadan, musome Ahadees bbiri zino era mutye obusungu bwa Allah عَزَّوَجَلَّ:

1. Omuntu bwakola ekibi mu Ramadan, Allah عَزَّوَجَلَّ ajjakwonoona emirimu gye (emirungi) egy'omwaaka. *(Al-Mu'jam-ul-Awsat, vol. 2, pp. 414, Hadees 3688)*

2. Nabbi wa Rahmah, Omuwolerezi wa Ummah صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yalabula: Ummah yange tejja kunyomebwa bweba nga etuukiriza ebanja lya Ramadan. Ye صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yabuuzibwa okunyomebwa kwa Ummah kki kyekitegeeza mu nsonga eno, ye صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yaddamu, 'Okukola emirimu gya Haraam (egitakirizibwa) mu mwezi guno.' Ye صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yayongera nagamba, 'Omuntu yenna bwayeenda oba bwanywa omwenge mu mwezi guno, Allah عَزَّوَجَلَّ neba malayikabe bamukolimira bwaafa nga Ramadan tenajja, tajjakubeera nakirungi kyonna kijja kumutaasa okuva mu muliro gwa geyeena. Nabwekityo mutye (Allah عَزَّوَجَلَّ) bwekikwaata ku Ramadan. Nga empeera y'emirimu bweyongezebwa mu mwezi guno okusinga emyezi emirala, n'obubi bw'ebibi nabwo bweyongera.' *(Al-Mu'jam-us-Sagheer, vol. 1, pp. 248)*

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mukaankane n'okutya kwa Allah عَزَّوَجَلَّ era mwewale okunyoma omwezi gwa Ramadan ogw'emikisa; temugwaamu suubi mu kusaasira kwa Allah عَزَّوَجَلَّ; emiryango gy'okusaasira kwa Allah عَزَّوَجَلَّ miggule, mwenenyeze ddala era muziyize okukola ebibi ate mukifuule kyalubeerera eky'okutaambula ne Madani Qafilah n'abaagazi ba Rasool okuyiga Sunnah z'Omwagalwa era Ow'emikisa Nabbi صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم.

**Muhammad Ilyas Attar Qadiri**
20 Sha'ban-ul-Mu'azzam, 1436 AH (June 8, 2015)

***Keep watching Madani Chanel***
www.Dawateislami.net

**N.B:** Tukusaba okusoma ekitabo '*Blessings of Ramadan*' ekyawandiikibwa Shaykh-e-Tareeqat دَامَتْ بَرَكَاتُهُمُ الْعَالِيَه. Ekitabo kino kilimu emikisa n'ennamula nkumi nankumi ebikwaata ku kusiiba mu ngeri enyangu era etegeerekeka. Eggulire lino, *Blessings of Ramadan* ne VCDs/DVDs z'emisomo egyagazisa Sunnah egya Ameer-e-Ahl-e-Sunnat دَامَتْ بَرَكَاتُهُمُ الْعَالِيَه gisobola okugulibwa mu mudaala gwonna ogwa Maktaba-tul-Madinah.

*Translated by: Majlis-e-Tarajim*